ENNYINGO - 15

ENNAKU ZA PAULO KIYINGI EZISEMBAYO

Mu mwaka 1966, aba ali mu kyalo e Bukatira, n'afuna amawulire ag'ennaku empitirivu -ag'okufa kwa mutabani we owokubiri, James Henry Mpiima, nga aweza egy'obukulu emyaka 33. Nze kennyini omukunganya w'ekitabo kino nze nnatumwa okugenda mu kyalo e Bukatira okubika. Natuuka budde bwa ggulo ggulo, saawa nga mwenda oba kumi. Nasanga muzeeyi ali mu nimiro akungula pamba. Bwe yandaba nagugumuka, nambuuza neddoboozi ekkangufu, kyokka erijjudde okutya nti, "Ssekkadde, kiki?" Nenkamutema!! Ezziga ly'ekisajja liva wala. We nali nkuze ntuuse, nali siwuliranga musajja mukulu bwatema mulanga, naye kwolwo muzeeyi yatema omulanga ogw'omwanguka, nga yenna amaziga bwe gamuyitamu nti "Wowe, omwana wange Mpiima afudde; nfudde nze, ani alinziika!!"

Mu mwaka ogwa 1967, ogwaddirira Mpiima mwe yafiira, PK yasangibwa nga alina pulesa (hypertension). Kigambibwa nti ekikangabwa ky'okufa kwa mutabani we Mpiima, okukakaalukana okunji kweyayitamu mu bulamu bwe nga Mwoyo Gwa Gwanga, gamba nga entalo ze yalwana ne Gavumenti enkuumi ezaamutwaza mu buwanganguse, ate era nga ateerebbwa ezaamusibyanga entakera, okukola ennyo, okulima, okutambula okwa buli kakedde okuwoleza abantu emisango (Puliida ataasasulwanga), ensimbi entono zeyafunanga nga avudde mu buwanganguse, n'obutali bwenkanya bweyali alaba mu bulamu bwe n'ensi ye, ne birala bingi, bye bimu ku byavaako obulwadde obwo. Obulwadde tebwakoma ku pulesa yokka, naye bwegattamu ne hernia eyomu nkendegere, olwo negubula asala. Hernia yagenda ne yetugga ekyenda, neba nga yetaaga kulongoosa okutaggulula, ebyenda biddemu okukola ogwabyo. Yajjanjabwa nnyo abasawo be dwaliro ekkulu e Mulago awamu n'eryabaminsani e Namirembe. Omusawo omukulu eyali akulira abasawo ababaazi (surgeons) Sebastiano Kyalwazi yagezaako nnyo buli kyonna kyasobola okukendeeza ku pulesa ya PK asobole okumulongoosa. Kyokka pulesa yalema. Okwetugga kwe kyenda ekyo kwamuleetera obulumi buyitirivu, naddala nga ekiro asula ku tebuukye, akuba ebiwobe kujula kuzuukusa ba kukyalo bonna. Kino nakyo ne kyongera pulesa waggulu. Kino kyaleetera omutima gwe okunafuwa, abasawo kye bayita "Congestive Heart Failure". Eddagala erikendeeza obulumi obw'amaanyi mu biseera ebyo lyali ttono mu nsi, obutafaanana na kati.

Mu bulumi obungi bwebutyo, obulamu bwa Paulo Kiyingi mwe bwakomekkerera. Nga ennaku z'omwezi 18 Sebuttemba 1968, ku saawa bbiri ez'ekiro, mu dwaliro lye Namirembe, PK yassa omukka gwe omuvanyuma, mu maaso ga mukyala we Eseza n'omwanawe Efulansi Nalugwa Musoke. Mu mwaka gwe gumu ogwo emizannyo gy'ensi yonna egy'ekkumi n'omwenda (19th Olympic Games) mwe gyazanyibwa era ne gikomekkerezebwa mu kibuga kya Mexico. Yali aweza agy'obukulu emyaka 72.

Yaziikibwa mu kitiibwa kingi, nasiisi w'omuntu eyakulugguka okutuuka ku biggya e Mpigi Nakaseeta, Bulemeezi. Abantu baava e bule ne bweya ne balamaga okuwerekera omuzira namige, mu lugendo lwe olusembayo ku nsi kuno. Omuzira eyalwanirira ensi ye okutuuka okufa. Omuzira ataayatiikirira. Gyali yeebase, okumpi ne ba kitaawe Samwiri Lwasi Buzaabo ne Semyoni Kaddu Nansambu we beebase. Yasikirwa mutabani we Daudi Kulumba Buuzaabo, kati omunnamateeka omwatiikirivu mu Kampala.